EKITABO KY'EKIJJUKIZO

EKYA

AFIRIKA



Ekitabo ky'Ekijjukizo kino ekiggya kyaddibwamu okuwadiikibwa nga kyeyamba obumanyirivu wamu n'ebirowoozo bya bannakibiina kya NACWOLA abawerako. Bano beebazibwamu ak'ensusso: Kayondo Farida, Kyabita Janet, Nabwire Jacqueline, Nakabazzi Rebecca, Nakku-Namagembe Irene, Nankabirwa Eleonor, Nazziwa Yudaya, Oundo Jane, ne Were Beatrice olw'okuyamba okutereeza ebyo ebikulu ebiri mu kitabo mu mwaka gwa 1999.

Ekitabo kino kyavvunulwa mu Luganda Dr. Israel Kalyesubula ne kyekenneenyezebwa Mw. Anatole Kiriggwajjo mu Kitongole ky'Ebyennimi mu Makerere Univ.

Carol Lindsay Smith, Rory O'Brine © 2002
www.memorybooks.org.uk

Okutegeezebwa kw'Abatendesi n'Abakulembeze b'Ebibiina

EKITABO KY'EKIJJUKIZO

Emiko 2-4 gye giyamba okutegeeza abatendesi oba abakulembeze b'ebitundu bwe batyo basobole okunnyonnyola ebirowoozo ebiri mu Kitabo eky'Ekijjukizo. Ekitabo ky'Ekijjukizo kirina ennuŋŋamya eno:

- ebikwata ku ngeri ekitabo gye kikolebwa;
- omuntu bw'asobola okufuga engeri gy'awulira muli n'okufuna okugumizibwa;
- ebirwoozo ku kuleka abaana okwenyigira mu mulimu guno oba nedda;
- biki ebirina okussibwamu na biki ebitetaaga kussibwamu;
- engeri gy'otandika okuwandiika;
- ebirowoozo ku mitwe gy'emiko n'ennyingo eziwandiikibwa okusobola okukwata ku buli kalonda abaana gwe beetaaga okumanya.

N'obuwombeefu ddala tusaba buli ategeka okwenyigira mu by'okukola ekitabo kino gamba nga omusomesa, omuwi w'obuyambi, oba omuwandiisi, okusooka okusoma bino wammanga nga tannaba kutandika mulimu.

EKITABO KY'EKIJJUKIZO KYE KI?

Abazadde bwe bafa, oba ssinga abeŋŋanda baawukana nga abaana bakyali bato, ebijjukizo ebikulu bibava mu mitwe. Abaana baba batuuse okukula nga tebeetegeera kimala. Ennaku zino tetukyesigula nti abaana bajja kuyiga ebikwata ku buzaale bwabwe okuva ku bantu abakulu nga bwe kyalinga edda. Noolwekyo okussa ebintu mu buwandiike kikulu nnyo.

> ***Ekitabo ky'Ekijjukizo kiteekawo enkola eŋŋunnamu eyamba abazadde, abeŋŋanda oba abeemikwano okukuuma ebikulu ebifa ku kika.***

Ekitabo ky'Ekijjukizo tekigaana baana kufuna bulumi obuleetebwa okufa oba okwawukanyizibwa ku bazadde baabwe. Kyokka kijja kubategeeza ku byensibuko yaabwe, ekika kyabwe, ennono zaabwe, ensinza yaabwe wamu ne ku bulamu bwabwe mu buto. Bajja kutegeera ebyayita basobole okugumira eby'omu maaso.

Yadde ng'Ekitabo ky'Ekijjukizo kyasooka kuwandiikirwa baana abaali bakosebbwa obulwadde bwa mukenenya, ebisangibwamu biyamba abaana bonna abali mu buzibu nga buno nga bafuuse bamulekwa oba nga baawukanyiziddwa ku bakadde baabwe olw'ensonga ezitali za ngeri zimu. Kikulu okubuuza abaana abaayawukana ku bazadde baabwe biki bye bajjukira ku byenju yaabwe ne ku bibakwatako. Kino kisaana okukolebwa mu bwangu ddala kubanga ekyekango ekireetebwa okwawukana, okufiirwa wamu n'okutangatanga kiyinza okutabulatabula ebintu ebyaliwo nga bibakwatako. Newankubadde ng'abazadde oba abeŋŋanda ab'okulusegere tebasoboka kufunibwa, bingi ebisobola okufunibwa okuva ku b'emiriraano, ku b'oku kyalo, abasomesa n'abalala abaali bamanyi abenju eyo.

KY'ANI?

Omuntu yenna asobola okuwandiika Ekitabo ky'Ekijjukizo.

- Tekyetaaga kumala kulwala oba kwawukana okutandika okuwandiika.
- Abazadde buli mwana bayinza okumuwandiikira ekikye- oba ekya bonna awamu ne kikuumibwa mu kifo ekituukirirwa bonna.
- Ebitabo biyinza okwongerwako buli mwaka oguyita.
- Abeŋŋanda oba abakuza basobola okuwandiikira bamulekwa, oba abaana ababa baawukanye ku bazadde baabwe Ekitabo ky'Ekijjukizo.
- Abaana bwe bamala okuteegera ebifa ku Kitabo ky'Ekijjukizo, bajja kwagala nabo okwenyigira mu kukiwandiika nga babuuza ebibuuzo, banoonya ebifaananyi n'ebintu ebirala eby'okussaamu.
- Okuwandiika Ekitabo ky'Ekijjukizo kiyinza n'okubeera akalimu akakolebwa abooluganda n'ab'oku kyalo.

EKIROWOOZO KYAVA WA?

Ebitabo by'Ekijjukizo ebyasooka byawandiikirwa mu Bungereza mu 1993 abazadde abaddugavu abaali batya nti oboolyawo bandifa ng'abaana baabwe bakyali bato nnyo. Abaana baali bakulira mu nsi engwira era nga bakyasobola okwawukanyizibwa ku byensibuko zaabwe. Okwongereza ku byafaayo na wa abeŋŋanda z'abaana gye baali, abazadde bano bannyonnyola bye baali bakkiririzaamu n'ennono zaabwe n'essuubi lyabwe mu baana baabwe mu biro eby'omu maaso. Baalekera abaana baabwe olukunkumuli lw'ebigambo eby'amagezi, ebijjukirwa eby'omuwendo n'engeri gye basaanidde okweyisaamu.

Okuva olwo Ebitabo by'Ekijjukizo biwandiikibbwa ebikumi n'ebikumi by'abantu.

Ebirowoozo bitegeerebwa mangu ddala abantu ab'obuwangwa obw'enjawulo n'okusoma okutenkanankana. Abaasinze okujjumbira okuwandiika ebitabo bino be ba NACWOLA-abakyala Bannayuganda abalina akawuka akaleeta mukenenya oba mukenenya yennyini.

OKWATULA.

Abazadde abasinga obungi abalina akawuka akaleeta mukenenya oba mukenenya yennyini balina omugugu ogw'okukuuma ekyama. Batya nga tebamanyi ngeri oba ddi lwe balina okweyabiza abaana baabwe. Abakyala ba NACWOLA baakizuula nti abazadde abo bwe baatandika okuwandiika Ekitabo ky'Ekijjukizo baayambimbwa okwogera kaati ku bifa ku bulwadde n'ebizibu eby'omu maka ebirala. Ekyaddirira baafuna obuvumu okutandika okukola enteekateeka era kyababeerera kyangu okuteekateeka abaana baabwe okwetegekera ekyobeera ky'okufiirwa n'enkyukakyuka ebyali bibindabinda. Eky'enkomerero bakizuula nti obuteekwekakweka kwe baali bavumbudde n'obwesige mu baana baabwe, bwabawewula eggugu lye baalina ku mitima gyabwe. Baafuna amaanyi n'essuubi okwaŋŋanga ebiseera ebizibu ebyali biboolekedde.

Okutegeezebwa kw'Abatendesi n'Abakulembeze b'Ebibiina

ABAZADDE BAYINZA KUGGYA WA OBUYAMBI OKUWANDIIKA EKITABO KY'EKIJJUKIZO?

NACWOLA, nga kiyambibwako ekibiina kya Save the Children Uganda (UK), kyatandikawo ekibiina ekikola ku kitabo kino, nga kisomesa abazadde abalina akawuka akaleeta mukenenya oba mukenenya yennyini. Essomo ery'ennaku ettaano linnyonnyola enkozesa y'Ekitabo ky'Ekijjukizo. Okusomesa era kuzingiramu n'okuyigiriza ku nkuza y'abaana:

- ebimanyiddwa ku nkyukaakyuka eziba mu mibiri gy'abaana;
- ebirowoozo ku ngeri n'ekiseera omuntu by'asoboleramu okwogera n'omwana awatali kumwekwekerera ku bifa ku ku bulwadde n'ebizibu ebirala ebiri mu maka;
- okuwa abazadde obuvumu okuteekateeka eby'omu maaso n'amagezi ag'okuwandiikamu eddaame;
- ebirowoozo ku ngeri abazadde gye bayinza okuyigiriza abaana baabwe okukola emirimu egiribayimirizaawo mu biseera eby'omu maaso n'amaanyi wamu n'obuvumu.

(Bw'oyagala okumanya ebisingawo ku kibiina ekikola ku by'Ekijjukizo, tuukirira aba NACWOLA, Akasanduuko ka posta, 4485 Kampala Essimu ne Fax 41 269 694 email NACWOLA@infocom.co.ug)

Okwongereza ku NACWOLA waliwo ebibiina ebirala bingi, amasinzizo wamu n'ebibiina ebikolebwa ku byalo ebitandise okukozesa Ekitabo ky'Ekijjukizo.

OKUKOLA OBWANNAMUNIGINA.

Ssinga abazadde tebasobola kufuna kibiina ekisobola okubayamba, bayinza okuwandiika nga bali bokka ku lwabwe nga bagoberera endagiriro erambikiddwa mu kitabo kino. Kyokka balina okukimanya nti okuwandiika kuno kuyinza okusiikuula ennyo ebirowoozo byabwe. Bwe kiba kisobose bandifunye obuyambi okuva mu beemikwano be beesiga. Abo basobola okuyiitayiita mu bijjukirwa ebireeta ennaku era ne babayamba okwetegeka okwanukula ebibuuzo by'abaana ebizibu. Olwo ng'omulimu gukomekkerezebbwa beetaaga okukolawo akabaga okwekulisa okutuuka ku buwanguzi obufaanana nga buno.

ABAZADDE BASOBOLA OKUKOLA OMULIMU GUNO NGA BATANDISE OKULWALA OBA NGA BAMAZE OKWAWUKANA N'ABAANA BAABWE?

Kizuuliddwa nti abazadde ne bwe baba ng'obulwadde bubagonzezza oba nga bennyamidde nnyo bayinza okuyambibwa ne boogera ebyo abaana baabwe bye beetaga. Engeri emu kino bwe kisoboka okukolebwa ye y'omu ku mikwano gye oba omukozi ow'enjawulo okuyitaayita mu miko gy'Ekitabo eky'Ekijjukizo, ng'abuuza ebibuuzo era nga bw'awandiika ebiddibwamu. Abeemikwano nfa nfe n'abeŋŋanda batera okujjukira ebimu ku byafaayo n'obuboozi boozi obwayogerwanga ku baana nga bakula. Buli koogerwa yadde katono katya ka mugaso eri abaana. Era n'abazadde bajja kuwummuzibwa mu birowoozo bwe bamanya nti bakoze kye basobola okutegeeza abaana baabwe ebituufu ebibafaako era ebiraga ekyo kye bali.

Okutegeezebwa kw'Abatendesi n'Abakulembeze b'Ebibiina

LWAKI TUWANDIIKA EKITABO KY'EKIJJUKIZO?

Abaana bonna beetaaga okumanya ebikwata ku buzaale bwabwe wamu n'ebibafaako bo bennyini. Ekitabo ky'Ekijjukizo kijja kukuyamba okuwandiika ebikulu n'ebyo by'oyagala okubaawo mu biseera eby'omu maaso. Kintu ekya nnamaddala ky'oyinza okuwa abaana bo. Ate wulira kino, kyonna kyonna ekiribaawo mu dda, abaana bo baliba bamanyi amazima agaliba gavudde mu bigambo byo ggwe kennyini. Bulijjo baliba beemanyi NTI BE BAGUNDI. Baliba basobola okwejjukiza ku byobulamu bwabwe, ne bwe kiriba kyetaagisa okusengukasenguka ng'amaka gaabwe gaguddemu kazigizzigi.

BIKI EBITEEKEBWAMU?

Emiko egisinga obukulu mu Kitabo ky'Ekijjukizo gye giwa ebikwata ku bazadde bombi n'obulamu bw'omwana obw'omu buto. Oyinza n'okuwandiika ku by'enzikiriza yo, ne by'otwala nga ebikulu mu bulamu bwo, by'osuubira abaana bo okuba mu biseera eby'omu maaso. Oyinza n'okunnyonnyola empisa z'eggwanga lyammwe wamu n'ebintu ebikulu mu kika kyammwe ne bye mweteekerateekera. Oyinza okujjukira ebiseera eby'essanyu n'engeri gye mwabereegangamu mu maka gammwe. Okyayinza okuwandiika ku bikoco n'ebitontome ebyasinganga okubasanyusa okwo ogatteko ennyimba ez'okutendereza ze mwayimbanga. Oyinza okubayigiriza enfumba yo oba ennima yo oba endabirira y'ebisolo. Oyinza okubalagirira ebifo gye balisanga aboolugandа bammwe ab'okumpi ne mikwano gyo enfiirabulago. Balage omuti gw'obuzaale bwammwe. Bakubire endagiriro (maps), obalage ebifo gye mwazaalirwa, ebifo bye mwakyalira n'ebiggya byammwe n'abeŋŋanda zammwe abalala.

> ***Tomalira birowoozo byo ku bya kufa oba akannyamberege akagenda okugwawo, wabula bimalire ku ebyo ebinaabayamba okwetegeera obulungi ng'obawa ebituufu ebibayamba okwebeezawo mu biseera eby'omu maaso.***
>
> *Buli Kitabo ky'Ekijjukizo kijja kuba kya njawulo okuva ku kinnaakyo, mu maaso eyo ojja kufuna ennuŋŋamya ku ngeri ggwe gy'onekoleramu ekikyo. Nga tonnatandika, waliwo ebibuuzo bino ebikulu by'olina okwebuuza..*

NNAAWULIRA NTYA MULI?

Bw'onojjuza mu miko gye Ekitabo ky'Ekijjukizo egy'enjawulo ojja kujjukizibwa ebiseera eby'edda ebyayita ebirungi n'ebibi. Ojja kuba nga olina okuzuula ebigambo ebinnyonnyola embeera gyolimu kati, era owandiike by'osuubiirira mu baana bo mu biseera by'omu maaso n'ebyo by'obeeraliikirirako. Okusoggola ebyo ebyayita n'okubiwandiika kiyinza okukwennyamiza era ekizibu, okusingira ddala nga bye wali osuubira tebyatuukirira. Munnange nno abazadde bangi bagamba nti okulowooza n'okwogera n'oluvannyuma okuwandiika Ekitabo ky'Ekijjukizo kibawadde emirembe mu mitima gyabwe. Enkomerero ya kino kwe kufuna emirembe ate n'okufaayo ku bulamu bwabwe obusigaddeyo.

ANI ASOBOLA OKUNNYAMBA OKUSUNSULA MU BY'OKUWANDIIKA?

Bw'onootandika okuwandiika Ekitabo ky'Ekijjukizo ebirowoozo bingi bijja kukwesomboolerako. Kizibu okumanya wa w'olina okutandikira na biki by'olina okussaamu. Kiyamba ssinga osooka okwegeyaamu n'omuntu gw'olinamu obwesige- oyo anaasobola okunnyonnyola ebintu byo ebikukwatako mu bigambo omwana wo by'ayinza okutegeera obulungi.

NNANDISAANYE KUTANDIKA DDI OKUWANDIIKA EKITABO KY'EKIJJUKIZO KINO?

Omulimu guno si gwa kiggweerawo. Kale nno munnange tolinda kumala kuba mu kaseera aka kanaayokyani tandikirawo mangu ddala nga bw'osobola. Ate jjukira kino, bw'okomekkereza omulimu guno, owewuka nnyo.

NNYINZA NTYA OKUWANDIIKA EKITABO KY'EKIJJUKIZO NGA EBY'OKUWANDIIKA TEBIffENDERA BULUNGI?

Abantu abamu basanga omulimu gw'okuwandiika nga mukalubo nnyo, ate naddala nga bameggana n'obulwadde wamu n'obulumi bw'ebirowoozo. Ekimu ku bye tulowooza ekiyinza okukuwewula omugugu guno kwe kusaba owoomukwano oba omu ku baana bo omukulu okukuyamba okukuwandiikira. Omuntu gw'oba olonze akubuuza ebibuuzo ebikwatagana n'ebyo ebirina okuwandiikibwa ku buli muzingo gw'empapula oba buli nnyingo y'ekitabo. Oyanukula mu ddoboozi ery'omwanguka olwo omuyambi wo n'awandiika ebigambo byo byennyini.

KITUUFU OKUKKIRIZA ABAANA ABATO OKUSOMA EKITABO KY'EKIJJUKIZO?

Abazadde bangi balowooza nti kiyamba okutegeeza abaana bo ekyo ky'okola era nabo n'obaleka ne bakyenyigiramu. Bayinza okunoonya eby'okuwandiika, ebifaananyi Ebya kkamera, bo bennyini okusiiga ebifaananyi oba okuwandiika ebitonotono ebikwata ku kika kyammwe ebiyinza okuteekebwa mu Kitabo ky'Ekijjukizo. Kino kibawa omukisa okwogerako naawe ku bibeeraliikiriza wamu n'ebyo bye balowooza okubaawo eyo gye bujja. Obulamu bw'omu maka bugonda bwe mwogera awatali yeekwerera munne. Abaana bwe bateegera ebizibu ebiri mu nju batandika okubeera ab'obuvunaanyizibwa. Yadde obwana obuto ennyo busobola okwenyigiramu, nga bujjukira ebiseera eby'edda ebirungi n'abantu abaagalwa, wamu n'okukuba ebifaanaanyi eby'okussa mu kitabo. Oluusi abaana eky'okuwandiika kibasanyusa nnyo n'okwagala ne baagala okwewandiikira ekitabo ku bwabwe. Kino kiyamba nnyo kubanga abaana bayinza okwongera ku kitabo buli enkyukakyuka enkulu ezibaawo mu bulamu bwabwe. Ngeri nnungi nnyo ebasobozesa okukwanya ebyobulamu bwabwe eby'edda n'ebiriwo.

Okutegeezebwa kw'Abatendesi n'Abakulembeze b'Ebibiina

ABAANA BASAANIDDE DDI OKULABA EKITABO KYABWE EKY'EKIJJUKIZO?

Abaana bwe bayamba bazadde baabwe okuwandiika ekitabo kino tewabaawo kya kyama. Kyokka abazadde abamu basalawo okukitereka okutuuka nga bamaze okukkirira ekaganga oba okutuusa ng'abaana bakulidde ddala. Muli bw'owulira nti oyinza okufa oba okwawukana n'abaana bo nga tebannaba kulaba Kitabo kya Kijjukizo, weetaaga okukirekera omuntu gwe weesiga akikuume okutuuka nga ekiseera ekituufu okukibaweeramu kituuse. Ono ateekwa okubeera omuntu omwegendereza, akumanyi ekimala okusobola okwanukula ebibuuzo abaana bye bayinza okubuuza nga basomye ebikwata ku byenju yaabwe.

NNYINZA KUKOLA NTYA OKWATULA EBITAATUUKIRIZIKA?

Oyinza okulowooza nti ebintu ebimu bya bulumi nnyo oba nti bya munda nnyo nga si kirungi kubiwandiika mu Kitabo ky'Ekijjukizo ekirisomebwa abaana; oba nti mulimu ebyama by'otoyagala abantu abalisoma Ekitabo ky'Ekijjukizo bamanye. Ka tugambe, kalonda akwata ku kufa kw'omuzadde omu oba ekyasattulula obufumbo bwammwe. Ekirowoozo ky'oyinza okutwala kwe kuwandiika obunyiriri butono ku bifa ku biseera bino eby'ennaku mu Kitabo ky'Ekijjukizo mu katundu akoogera ku by'omu nju. Olwo nno n'owandiika ebbaluwa eyeetongodde erimu ebisingawo. Ebbaluwa eno oyinza okugikwasa owoomukwano gwe weesiga n'agiwa abaana bo nga bakuze ekimala okugyesomera. (Kakasa nti oleka mu Kitabo ky'Ekijjukizo akagambo akabategeeza wa w'olese ebbaluwa eno.) Kirabika bulabisi nti abaana bo bwe baba nga bakulu ekimala okubannyonnyola maaso ku maaso kye kisingako.

Ekisinga obukulu kwe kufuna engeri gy'oyitamu okubuulira abaana amazima gennyini mu bigambo byo ggwe kennyini, ate nga mu kiseera kye kimu togeezaako kunenya oba okussa omusango ku balala.

NNYINZA KUKOLA NTYA BWE MBA NGA SSISOBOLA KWANUKULA BULI KIMU?

Bw'oba nga byonna tobirina waakiri obutassaawo kantu konna naye n'otofumbafumba kintu na kimu. Kubanga munnange ssinga abaana bakizuula oluvannyuma nti ebimu wawandiika bisobu tebagenda kumanya ki kye balina okukkiriza. Ate nga naawe tokyaliwo kubannyonnyola.

Okukola Ekitabo ky'ekijjukizo

EBIROWOOZO EBIKOLA MU KUWANDIIKA EKITABO KY'EKIJJUKIZO.

MIKO KI EGY'OKUKOZESA?

Ekitabo kino kiwa ebirowoozo ku miko oba essuula ebimalayo ensonga ezoogera kumpi ku buli kiyinza okugwa mu maka gonna. Oyinza okulekayo ebitundu ebimu oba n'oyongeramu ebirala osobole okumalayo ebikwata ku byenju yammwe. Abaana bo bayinza okwagala okwongera emiko gyabwe mu kitabo.

Bw'otandika okuwandiika, oyinza okwokesaamu emiko gy'emitwe emikulu n'okomola obupapula buno ng'oyisa mu bukoloboze obuli ku lupapula, olwo nno n'oly'oka osiba n'amasanda akapapula k'oyagala okukozesa ku lupapula lw'ogenda okuwandiikako. Oba okyayinza okuwandiika mu mukono gwo emitwe gy'oyagala okuwandiikako. Mu buli ngeri yonna gy'okolamu ebibyo, jjukira nti kino kitabo kyo, kikole mu ngeri ggwe gy'okyagalamu.

W'OTANDIKIRA.

Tewali kkubo lya nkomeredde eriyitibwamu okuwadiika e Kitabo ky'Ekijjukizo. Nga bw'olya empogola, we yeeyasiza w'ogisusiza. Kino kitegeeza nti olina kutandikira ku ky'owulira nti kikwanguyira okuwandiika. Gino giyinza okuba emiko egyogera ku kyalo oba ku kibuga kye wakuliramu. Bw'otandika okuwandiika ojja kuwulira obuvumu okwaŋŋanga ebyo ebitabangula ebirowoozo byo. Mpola mpola Ekitabo ky'Ekijjukizo kiggya kufuukamu ekintu ky'oyagala.

EBIRALA EBIRINA OKUTEEKEBWA MU KITABO KY'EKIJJUKIZO.


Tandika okunoonya ebifaananyi, enfumba yo, ebigambo by'ennyimba z'eddiini n'ebitontome, ebifaananyi by'abaana bo bye baggye ku masomero gaabwe, bukaada bwo obutali bwa bulijjo n'amabaluwa. Oyinza okuteeka ebigambo bino oba ebifaananyi mu Kitabo ky'Ekijjukizo wamu ne by'oba owandiise. Bijja kuyamba abaana okujjukira embeera zaabwe eza bulijjo. Bw'oba tolina bifaananyi bimala oyinza okukozesa ebifaananyi byabwe nga bawere, oba nga batandiikiriza okutambula oba ebifaananyi bya abaana b'amasomero by'oggye mu mpapula z'amawulire oba mu butabo. Olwo nno n'obateegeza mu bwesimbu nti "ekifaananyi kino kikunzijukiza ng'okyali muto" oba "lwe wasooka okugenda mu ssomero wali ofaanana nga omwana ono ali mu kifaananyi kino…"

OKUKOZESA ENTAMBI EZIKWATA AMALOBOOZI OBA AMALOBOOZI N'EBIFAANANYI.

Bw'oba osobola okweyazika akuuma akakwata amaloboozi oyinza okuwa abaana bo ekirabo eky'enjawulo-eddoboozi lya taata oba maama nga bagera engero oba nga bakooloobya ennyimba. Oba okubbirira n'okwasa akaboozi ng'abazadde banyumyamu n'abaana. Kino kijja kubeera kya bugagga bungi mu biseera byabwe eby'omu maaso. Bw'oba osobola okweyazika kkamera ekwata amaloboozi n'ebifaananyi, saba ow'omukwano atwale obudakiika nga buubwo abakwate nga muli ku mirimu gyammwe egya bulijjo awo mu nnyumba oba mu luggya.

OMUTEMBO KY'EKIJJUKIZO.

Bw'otandika okukola Ekitabo ky'Ekijjukizo, oyinza okutandiikira ku kulowooza ku buntuntu obwomu maka obulina amakulu ag'enjawulo. "Amatiribona gano" mwe mugendera akatambaala ka kitaabwe akajjudde amabala, embira maama ze yayambalanga mu bulago, obugoye bw'omwana, ekitabo ekinyuma ennyo, kiggama oba essowaani abaana bye baakozesanga buli lunaku, tolekaayo yadde obuyinja, obusigo oba obukoola obukaze obuvudde mu nnimiro yammwe kubanga na bino bikyayinza okujjukiza omuntu eby'edda. Obuntu buno buteeke mu ssanduuko eŋŋumu ey'ekyuma ekigumu oba mu kisero obuteleke bulungi. Abaana bo bwoba obannyonnyodde nabo bajja kwagala okwongereza ku ebyo by'okuŋŋaanyizza nga bateekamu ebyabwe bye basinga okwagala. Tonyooma kantu n'akamu, buli kamu kalina kye kajja okukola okwogera ku bifa ku by'ekika kyammwe.



EBIWANDIIKO BY'AMATEEKA N'EBY'EDDWAALIRO WAMU N'EBINTU EBIRALA EBY'OMUGASO.

Ekitabo ky'Ekijjukizo oba Omutembo ssi bye byanditerekeddwamu eby'omugaso oba ebiwandiiko ebikulu. Amabaluwa g'obuzaale, ag'obufumbo, agakwata ku by'obulamu, ebiraga eby'obugagga, obutabo bwa banka, amalaame bisaana kuterekebwa mu bifo ebyesigibwa gamba nga mu banka, ewa munnamateeka wo, ew'omusumba, ew'omwami w'ekyalo, ew'oweekika oba ew'owoomukwano. Laga mu Kitabo ky'Ekijjukizo ani gw'oteresezza ebiwandiiko bino.

ANI OMULALA AYINZA OKUYAMBA MU KUKOLA EKITABO KY'EKIJJUKIZO?

Bwe kiba kisoboka abazadde bombi bandyewandiikidde ebibafaako. Kyokka ssinga omu ku bo oba bombi yakkirira dda e kaganga, enviiri gye zittira nga omuddo, oba ng'abaana baayawukana dda ku bazadde baabwe, eby'omu maka bikyasobola okuwandiikibwa. Bajjajja, abaana abakulu, abeemikwano enfiirabulago, abasomesa, abasumba, abaami b'ekyalo bonna bakyayinza okubuuzibwa ku bifa

Okukola Ekitabo ky'ekijjukizo

ku bantu bano. Abaana bennyini bayinza okuyamba mu kuwandiika byonna bye basobola okujjukira. Ekitabo ky'Ekijjukizo bwe kiwandiikibwa mu ngeri eno, omuntu omu omwesigwa obulungi y'ateekwa okukuŋŋaanya ebigenda okuwandiikibwa byonna okuva buli wantu. Yadde ebimu biba tebizuuliddwa, abaana baba bafunye we batandikira okuzimba ebyafaayo byabwe.

BULI MWANA N'EKITABO KYE?

Buli mwana yeetaaga ekitabo kye ku bubwe. Kyokka kino kyetaaga ebiseera biwanvu wamu n'essente eziwerako. Abazadde abaamala edda okuwandiikira abaana abawerako ebitabo bino bawa amagezi gano wammanga:

- Okusooka wandiika emiko egitalina kintu kya nnamadddala, nga kikwata ku byafaayo byammwe, eby'ekika, ebifa ku kukula kwo, endagiriro oba ebifaananyi ebiraga ensi bwe yakula, n'omuti gw'obuzaale bwammwe. Bino oyinza okubikoppa n'omukono oba okubyokesaamu. Buli mwana mukolereyo ekikye.
- Okuva awo, wandiika emiko ku buli mwana, ebikwata ku kuzaalibwa kwe, obuto bwe, bye yayagalanga ne bye yali tayagala wamu ne bye yayigira mu kukula kwe.
- Kati wandiikayo ebitonotono ebikwata ku baganda baabwe ne bannyinaabwe. Abaana bwe baba balina bakitaabwe ba njawulo kikulu obutababuzaabuza wabula n'obalambikira bulungi ebikwata ku bika byabwe. Kino kiyamba abaana okutegeera bwe bayita buli omu gwe balinako oluganda newankubadde nga tebabeera wamu. Buli mwana muwe omuko gwe.
- Oluusi n'oluusi wabaawo obuzibu ku bifaananyi-gamba nga tebisobola kubuna bonna. Kitwala ssente nnyingi okuddamu okunaazamu ebifaananyi naye mu bibuga ebimu oyinza okusangayo ekyuma n'obyokesaamu. (Obutasaasaanya ssente nnyingi nnyo teeka ebifaananyi ebiwera ku lupapula lumu, yokyamu olupapula luno, lukutulekutulemu buli mwana omuweeko ebifaananyi bye.)


EKITABO EKIKOZESEBWA BULI WA MU NJU.

Bwe kiba tekisobose kukolera buli mwana kitabo kye, oyinza okukolera abaana bonna ekitabo kimu kye baba bakozesa. Salawo alina okukikuuma era buli mwana omuwe ebbaluwa emutegeeza Ekitabo ky'Ekijjukizo gye kisangibwa.

ENTEREKA Y'EKITABO KY'EKIJJUKIZO ENNUNGI.

Ekitabo kijja kusomebwa emirundi n'emirundi okumala emyaka eyo gye bujja. Noolwekyo emiko kw'owandiise wamu n'ebifaananyi birina okukuumibwa obulungi. Bino bye birowoozo byaffe ku kino.

- Kozesa akafumu oba kabbayiro akalungi by'owandiise bireme kunaabuuka;
- Wandiika ku lupapula olugumu olusobola okukubwamu obutuli lusobole okusibibwa n'obuuma mu fayiro;
- Ate ekisingako kwe kuteeka buli muko mu kasawo ak'akaveera akeeru akateekeddwamu obutuli ku ludda olumu. Olwo obuveera omuli empapula buteeke mu fayiro obusibiremu n'akuuma;
- Engeri endala oyinza okuwandiika butereevu mu kitabo eky'eddiba eggumu. Bw'owandiika mu kitabo nga kino, jjukira okubuukamu amabanga oba empapula mw'oyinza okussa ebirala by'oba ojjukidde oba ebifaananyi by'oba ozuudde;
- Byonna by'oba okozesezza gezaako akulaba nti langi zaabyo zaawukana buli mwana afune eky'enjawulo. Oba abaana baleke beekolere amaliba g'ebitabo byabwe;
- Ebitabo gezaako obutabikubya nkuba yadde okubiriisa ebiwuka nga enkuyege ng'obissa mu buveera obugumu oba ng'obitereka mu ssanduuko ey'ekyuma;
- Kakasa nti abaana, owooluganda oba omukuza w'abaana bo bamanyi gy'otelese Ekitabo ky'Ekijjukizo.



Nga tonnaba kukwata kafumu kuwandiika sooka weebuuze bino:

- Ekitabo kino **KIWANDIIKIRWA ANI?** Ab'omu maka bonna bagenda kukikozesa oba buli mwana anaafuna ekikye ku bubwe?
- **ANI** awandiika ekitabo? Omulimu ogenda ku gukola wekka? Ab'omu maka abalala oba abeemikwano bayinza okukuyambako?

Okukola Ekitabo ky'ekijjukizo

EKITABO KY'EKIJJUKIZO

- **ABAANA BO** batuuse okwenyigiramu? Bw'obakkiriza okukuyamba onooba ofunye omukisa ogw'enjawulo ogukusobozesa okwogera ku buli kantu ng'eno bw'owandiika.

- **SSINGA** abaana bo bakyali bato nnyo, bigambo ki by'olina okukozesa bakutegeere bulungi? Oba onoobiwandiika babisome eyo mu dda?

- **OWANDIIKIRA** abaana abafuuka edda bamulekwa oba abo abaayawukana edda ku bazadde baabwe? ANI asobola okukuyamba okuzuula ebifa ku nju eno ne ku buli mwana?

- **BY'OWANDIISE** bituufu? Ekitabo bwe kiba kiwandiikibwa abantu abangi (okugeza abazadde bombi, maama n'abeŋŋanda) kikulu nnyo okukkiriziganya ku mannya, ebiro n'ebyaliwo bye muteeka mu kitabo.

Ebirowoozo n'Emitwe gy'Emiko gy'Ekitabo kyo

EMIKO GYE KITABO KY'EKIJJUKIZO

Bino ebirowoozo bya kukuyamba okukola ebitundu ebitali bimu oba essuula ez'enjawulo mu Kitabo kyo eky'Ekijjukizo. Kiri eri ggwe okuggyamu ebimu era n'okwongeramu ebirala nga bwoba osiimye.

OMUKO GW'OKUWONGA (OMUKO OKULI ERINNYA) Ku muko guno wandiikako bino:

- Ekitabo kino kya……
- Ekitabo kiwandiikibbwa……..(maama? taata? bakuza?)
- Olunaku n'ekifo Ekitabo ky'Ekijjukizo gye kiwandiikiddwa.

1. EBIKWATA KU NJU (EKIKA) EBITALI BIMU.

Bw'oba owandiikira buli mwana ekitabo kye oyinza okukoppolola emiko gino wammanga mu buli kitabo.

EBITUFAAKO NGA ABENJU ENO.

Kijja kuyamba abaana bo okutegeera ebiri mu Kitabo ky'Ekijjukizo bw'otandika n'okunnyonnyola ebibakwatako nga abenju era ne mu bufunze ebikulu ebibadde bigwawo. Laga ennaku z'omwezi era owe ensonga kwe wava okufuna enkyukakyuka mu mbeera zo; okugeza mwava mu kyalo ne mudda mu kibuga oba mu nsi engwira. Bannyonnyole wa era n'engeri gye mubeeramu ennaku zino.

EBIFA KU BENJU ENO.

Wandiika olukalala lw'abeŋŋanda ab'okumpi bonna. Amannya gaabwe gamaleeyo, ennaku kwe baazalirwa ne gye babeera. Kino kijja kuyamba abaana okujjukira abo ababakwatirako ddala yadde baafa dda oba nga tebakyabeera nabo. Ssaamu bino:

- Mmwe bennyini (abazadde oba abakuza);
- Baganda baabwe ne bannyiinabwe. (Bakitaabwe bwe baba nga ba njawulo kino kirungi okukiruŋŋamya abaana baleme kubuzaabuzibwa mu byeŋŋanda zaabwe.)
- Abeŋŋanda ez'okumpi n'abantu abalala mu maka ago.
- Bw'oba wafiirwayo ku baana oba abeŋŋanda zo ab'okumpi, amannya gaabwe gawandiike, n'ennaku ze baafiirako ne gye baabaziika balemwe okwerabirwa.

AMAKA GAFFE.

Wandiika enfaanana ya maka gammwe n'ebigeetoolodde. Suulamu akafaananyi ka kkamera oba kakubemu n'engalo ojjukize abaana enfaanaana y'amaka. Musula mu kyalo, okuliraana abeŋŋanda n'abeemikwano bwe mwazirunda? Oba mwasengukira ewala eyo? Mulina oluggya? Mulimamu ki? Muliraanye akatale? Oba



essinzizo? Akasomero kammwe kabeesudde bbanga ki? Bwe muba mwadda mu kibuga oba ku mawanga, kikulu nnyo okutegeeza abaana bo ekifo ky'oyita eka yennyini.

ENZIKIRIZA YAFFE-EBINTU BYE TUKKIRIRIZAAMU.

Abaana bo bwe baba bakyali bato, kikulu nnyo okunnyonnyola enzikiriza yo. Babuulire oba olina enzikiriza oba essinzizo mw'osomera obabuulire n'amannya g'omusumba oba abakulembeze b'eddiini yo. Abaana bo bwe baba baabatizibwa oba nga baakolebwako emikolo emirala egy'eddiini, kikulu okussaamu bino byonna era ebiwandiiko bino n'obitereka aweekusifu w'oteeka ebiwandiiko ebirala ebikulu. (Laba akatundu we twawandiise ku biwandiiko ku nkomerero y'ekitabo kyaffe.)

EBY'OBUWANGWA BYAFFE N'ENNAKU ZAFFE ENKULU.

Abaana bwe baba nga baawukanyizibwa ku bakadde baabwe oba abeŋŋanda zaabwe (olw'obulwadde oba emitawaana egy'amaanyi) kikulu okubakuza nga bamanyi empisa n'obulombolombo bw'ekika kyabwe. Wano w'olina okuwandiika ku mpisa n'enzikiriza z'ebika bya buli ludda lw'abazadde.

Oyinza okussaamu bino:

- Emikolo egikolebwa nga muzadde akaana;
- Engeri amannya g'abaana gye galondebwamu;
- Enkuza y'abaana aboobuwala n'aboobulenzi;
- Engeri abasajja gye boogerezaamu ne gye bawasaamu;
- Okussa ekitiibwa n'okulabirira Bakinvinvi ku kyalo;
- Enziika n'engeri ababa batuvudde ku maaso gye bajjukirwamu.

2. EBIKWATA KU BULI MWANA.

Buli mwana alina okuwandiikirwa emiko gino egigenda okuddirira.

OKUZAALIBWA KWO.

Kino kikwata ku kuzaalibwa kw'omwana. Abaana bonna

Ebirowoozo n'Emitwe gy'Emiko gy'Ekitabo kyo

beetaaga okumanya ekifo gwe baazaalirwa, ennaku z'omwezi ne bwe baalabikamu nga baakazaalibwa bati. Tolekaayo buli k'ojjukira-ani yaliwo mu kaseera ako. Omwana yakuba omulanga ogw'omwanguka nga yaakagwa? Yazitowa kyenkana ki? Oyinza okuba ng'okyalina buno obuwuzi bwe babasibako mu ddwaaliro okubalamba oba ebifaananyi ebyamukubwa mu ssaabbiiti ezaasooka? Bw'oba tolina bifaananyi bye oyinza okufuna akafaananyi okuva mu butabo omwana wo n'omuwa ekifaananyi nga bwe yafaanananga.

ENGERI GYE WATUUMIBWAMU ERINNYA.

Abaana baagala okumanya amannya gaabwe gye gaalondebwamu era n'okumanya oba babbulwamu baŋŋanda oba baamikwano. Era baagala okumanya obukulu bw'amannya agatuumibwa ab'ekika abalala. Waaliwo omukolo ogw'okumubatiza oba ogw'okumutuuma erinnya gwonna? Baani abamujulira ng'abatizibwa.

BWE WALI OMUWERE.

Mutegeeze nga bwe yali mu myaka egyasooka. Yayonkanga bulungi era nga yeebaka bulungi? Yabeeranga ku mabega ga maama oba ku migongo gya baganda be, bannyina oba ku gwa jjajja nga maama akabassana n'egigye? Yalwalako mu buto? Omwana yali afaanana ani? Akaana bwe kaali kasuumukasuumukamu mmere ki eyakawoomeranga ennyo era kaasinga kwagala bya kuzannyisa ki? Teekamu ebifaananyi eby'omu buto-oba ebifaananyi okuva mu butabo-ebinaayamba omwana wo okumanya endabika gye yalingamu.

OMULUNDI GWE WASOOKA.

Ojjukira ddi: omwana wo lwe yatandika okusimbula akagere, lwe yayogera ebigambo bye ebyasooka-era bigambo ki byennyini bye yasookerako? Omwana yawulira atya lwe yasooka okuva ku nnyina: olunaku lwe olwasooka ku ssomero, okugenda mu ddwaaliro, oba okugendako ewa jjajja? Wamuwooyawooya otya?

OKUSOMA KWO N'OKUKULA KWO.

Ng'ogenda ogoba okukula kw'omwana wo, mubuulire ebyamuliko ng'atandika okusimbula akagere okutuuka bw'ali kati. Ssinga abaana bo baasoma, bino byonna ggwe ng'oteekamu, amannya g'abasomesa be be yayagalanga (oba be yatyanga) wamu n'aga mikwano gye. Yinifoomu y'essomero yali efaanana etya? Biki bye yasoma ebyasinganga okumunyumira Oba ebyamukaluubiriranga? Waaliyo eby'okukola eby'enjawulo-gamba nga ebyakatemba, okuzina, okuzannya emizannyo nga okudduka n'okubuuka mu ssomero oba ku kyalo? Olina ebifaananyi bye eby'oku ssomero oba obuntu bwe wakutula ku yinifoomu ye by'oyinza okuteeka ku miko gy'empapula?


BY'OYAGALA NE BY'OKOLA.

Wandiika ebintu omwana wo by'ayagala: emizannyo, okubonga akagaali, okulunda obumyu, okukuŋŋaanya obusaanikira bw'amacupa, okuyimba mu ssinzizo, ebibiina by'abavubuka? Teweerabira kwogera ku ngeri gy'ayambamu mu maka oba ku muliraano: nga okulabirira abamusingako obuto, okukima amazzi oba okuyonja oluggya. Ssaamu omwana wo by'ayagala ennyo: emmere gy'asinga okwagala, abayimbi be? Ate bye yakyawa? Okukeera, okukolera awaka ebiba bimutumiddwa ku ssomero okulunda ebisolo by'awaka?

BYE NKUJJUKIRAKO EBINSANYUSA.

Kiki ky'osinga okujjukira obulungi ku mwana ono-obugambo bwe obwakusesanga bwe yali atandika okwogera? Nga okufunvubira akuyambe okukusitulirako ensuwa z'amazzi enzito? Nga buli kaseera y'asooka okulaba ekkubo gye muba mugenze okukyala? Nga ke kakazannyirizi kamwe-oba omwana omusirise mu maka gamwe aba mu nnyanja y'ebirowoozo buli kaseera. By'ojjukira biyinza okuba ebyennyamiza oba ebisanyusa. Ka bibeere bitya, owandiikangako ebimu ku bino ebyabaawo mu bulamu bwamwe kubanga bulina kinene nnyo kye bukola ku mwana wo.

BYE NKUSUUBIRAMU MU BISEERA EBIJJA.



Wano w'olina okuteeka by'oyagaliza omwana wo mu kukula kwe. Oyinza okumuwa amagezi ku bikoleka ebikwata ku bulamu, okufuna ensimbi mu makubo amatuufu, n'okuba omuzadde afa ku baana be. Ng'osinziira ku bumanyirivu bwo muwe amagezi muntu ki gwalina okwesiga, engeri gy'ayinza okulwanirira eddembe lye ery'obwebange ne by'akkiririzaamu. Oyinza okwagala okumuwa ebirowoozo byo ku bintu byajja okuba ng'asalawo mu myaka egiri mu maaso, okugeza nga omwana owoobuwala obutasindiikirizibwa mu ddya nga ye awulira nti tannatuusa kufumbirwa. Oba omulenzi obuteetantala kuzaala nga talina na kigulira Magala ddiba. Omwana wo yeetaaga okugumya kwo. Kino kijjukire ensi ejjudde ebizibu noolwekyo omwana wo tomuwaga kukola bitasoboka.

ABANTU AB'OMUGASO MU BULAMU BWO.


Mu bitonotono mubuulire abantu ab'omugaso ab'enjawulo gy'ali. Wamu n'abeŋŋanda oba abakuza be, ssaamu abaamweyimirira mu kubatizibwa, abeemiriraano ab'ekisa, omusomesa, omukulembeze w'abavuka, oli ali ku kalwaliro, abakyala abali mu NACWOLA oba mu bibiina ebirala ebiwa obuyambi. Bano bateekwa okuba nga bamanyi bulungi omwana ono, abayinza okumuwabula oba okumuyamba mu biseera bye eby'omu maaso.

EBIFA KU BY'OBULAMU BWO.
Wandiika mu bufunze ebikwata ku bulamu bwe. Obulwadde bwe yalwalako, obuvune bwe yafuna n'ebimukola obubi ng'abiridde oba ng'abikutteko. Mubuulire obulwadde obw'ensikirano okugeza nga obulema bw'omusaayi. Muwe amannya g'abasawo n'ag'amalwaliro gy'abadde ajjanjabirwa asobole okufunayo ebisinga ku by'omugambye bwe kiriba kyetaagisa. Amabaluwa g'eddwaaliro, ng'otwaliddemu n'ekipande kye oky'okugema tobiteekanga mu Kitabo ky'Ekijjukizo wabula bitereke aweekusifu. (Soma ku bikwata ku biwandiiko eby'omugaso ku nkomerero y'ekitabo kino.)

EBIKWATA KU BAZADDE.
Abaana bonna beetaaga okumanya obulungi ebifa ku bazadde baabwe bombi. Ssinga abazadde bakkirira dda etagenda badda, oba nga tebaliiwo okuwandiika emiko gino, kijja kwetaagisa okubifuna okuva mu beŋŋanda oba ku b'ekyalo. Abeŋŋanda abasinga bajja kuyamba bwe banaategeera obulungi ekigendererwa mu kubuuza kuno. Yadde byonna tebifunyise nga tewali na bifaananyi, era kiba kya mugaso okuwandiika by'ofunyeewo olage nga abazadde b'omwana bwe baafaanananga na byonna omuwandiisi we Ekitabo ky'Ekijjukizo by'asobola okufuna. Jjukira nti yadde bw'ofunyeewo butono butya buyamba abaana okwemanya oba okwetegeera.

3. EBIKWATA KU MAAMA..

Emiko egiddirira giyinza okuwandiikirwa buli mwana.



EBIKWATA KU MAAMA WO.
Tandika na bino:

- Amannya go mu bujjuvu, eggwanga lyo, ekika kyo, obuzaale bwo;
- Olunaku lw'amazaalibwa go n'ekifo we wazaalirwa;
- Oba obadde mufumbo laga olunaku n'ekifo we mwafumbiriganirwa;
- Ekifo gy'obeera ennaku zino.

Wandiika ebibyo nga topapa. Oyinza okuwandiika "nga bwe twasisinkana" ne taata w'omwana. Lwe wasooka okumusisinkana wamulowoozako ki? Ebyaddirira byali bitya? Abaana we bazaalirwa mwali musula wa?

OBUTO BWA MAAMA
Abaana bo baagala okumanya ebifa ku buzaaliranwa bwo. Oba wakulira mu kifo oba mu kyalo ekitali ky'ewammwe, nnyonnyola empisa n'enneeyisa y'abantu bano. Wakulira mu kyalo oba mu kibuga? Amaka gammwe gaali gafaanana gatya? Waliwo oluggya-mwali musimbyemu ki? Mwalina ebisolo? Baani abaasulanga ewammwe-baganda bo ne bannyoko? Bajjajja? Walina mirimu ki mu maka omwo-kulera bato bo? Kukima mazzi? Oba wakwasizangako jjajja wo okufumba? Wasoma? Bya kuyiga ki bye wayagalanga-oba ebyakutamanga? Mubuulire ebikusanyusa eby'enjawulo- wayimbanga mu kibiina ky'essomero eky'abayimbi oba wazinanga mu kibiina ky'essomero eky'abazinyi? Wazannyako ku mizannyo gyonna oba waliko mu kibiina ky'abavubuka? Tokwatibwa nsonyi kwogera ebyo bye wakolanga obulungi okusukkuluma.

OKUKULA KWA MAAMA N'OBULAMU BWE NG'AKUZE.
Olina kye wasoma oba kye wayigirizibwa kyonna nga omaze okusoma? Okola? Oba ebiseera byo byonna obimalira ku kulabirira baana na maka? Bw'okirowoozaako, kiki kye wali oyagala obeere era byaggweera wa?

EBISANYUSA MAAMA N'EBY'AKOLA EBY'ENJAWULO.
Wano w'olina okuteeka ebyo by'oyagala okukola awaka mu "biseera byo eby'eddembe"! (Ba maama babeerako n'ebiseera eby'eddembe?) Olina ky'oyamba ku kyalo kyammwe oba mu ssomero lyammwe? Olina ky'ovunaanyizibwa mu ssisinzizo lyammwe? Oba oli mu kibiina kya bannakyewa gamba nga NACWOLA? Abantu bakugamba nti ki ky'omanyi obulungi- kufumba mmere ya kinnansi? Kulima bimuli ebitatera kulabikalabika? Kubumba oba kutunga bitambaala? Kuyimba oba kuzina ne banno?

MAAMA BY'AYAGALA NE BY'ATAYAGALA.
Oyinza okwagala okuwandiika ku Ssekukkulu oba ebiseera ebirala ab'ewammwe bye basisinkaniramu, ennyimba oba ebitontome bye wayiga ku ssomero; enfumba jjajja wo gye yakuyigiriza. Ate olwo okwate ku ebyo ebikunyiiza n'ebikwennyamiza? Abantu (nga mwe muli ne bannabyabufuzi) abatatuukiriza bye basuubiza? Abaana abajeemu? Ebisolo ebikutula ne byonoona ennimiro zo? Abeemiriraano abeŋŋambo oba abayingirira emirimu gyo?

EBIJJUKIRWA EBY'ENJAWULO.
Lowooza ku bimu ku biseera ebirungi mu bulamu bwo. Jjukira nti obuntu obutonotono buyinza okwenkanankana mu bukulu n'ebinene bye mufuna- omwana wo engeri gye yeewuunya ng'enkoko eyaludde kiyinza okugeraageranyizibwa n'olunaku lw'amatikkira. Abazadde abamu basalawo okwogera ku biseera ebya kanaayokyani n'engeri gye bavvuunuka ebizibu byabwe.

ENZIKIRIZA YA MAAMA N'EBIROWOOZO BYE KU BIKWATA KU BULAMU.
Kijja kuyamba abaana bo okukutegeera n'okussa ekitiibwa mu mutindo gw'obulamu bwo, bw'obannyonnyola ebintu by'obadde ogoberera mu bulamu bwo. Kino tekikoma ku kya ddiini kyokka, wabula n'engeri abakusingako mu myaka gye babadde bakuluŋŋamyamu, abasomesa, bajjajja

bo n'abo bonna abakuyambye okwaŋŋanga ebizibu by'ensi eno. Abazadde abamu beesigamya okunnyonnyola kwabwe ku byobuwangwa bwabwe, n'empisa y'ensi n'engeri gye basuubira abaana baabwe okukuzibwamu. Abalala bawandiika ebigambo eby'amagezi bye baggye mu kusaba oba mu nnyimba, oba ne bassaamu obumuli bwe banoze mu nnimiro okujjukiza abaana baabwe amaanyi g'obutonde. Ebirowoozo byo n'ebigambo byo bijja kukubagiza abaana bo era bibaluŋŋamye mu biseera byabwe ebijja.

OBULAMU BWA MAAMA.

Wano w'olina okuwandiika ebikwata ku bulamu bwo abaana bo bamanyire ddala ebituufu ku bulwadde bwo nga biva mu ggwe kennyini. Teekamu obulwadde obw'ensikirano. Wandiba nti weetaaga okuwandiika ebisingako mu bbaluwa ey'enjawulo osseemu n'amannya g'abasawo bo oba obulwaliro gy'otera okujjanjabirwa abaana bo basobole okufuna ebisinga ku bibyo bwe kiriba kyetaagisa gye bujja.

OBULAMU BWA MAAMA WE TWOGERERA.

Kikulu okunnyonnyola embeera gy'olimu kaakati oba mwafiirwayo omuntu w'omunju oba mwayawukanamu. Bw'oba oli bw'omu bategeeze engeri gye weeyimirizaawo. Oba weefunirayo akubudaabuda, kabe kasinge nga wandyagadde okubategeeza kino bwe kikyusizza obulamu bwo ne we bayingiriramu.

4. EBIKWATA KU TAATA.

Emiko egiddirira gigendereddwamu eby'okuwandiika ku taata waabwe kumpi bye bimu era biyinza okuwandiikirwa buli mwana. Wabula ssinga abaana balina bakitaabwe ba njawulo buli omu (taata) alina kwewandiikira muko gugwe.

EBIKWATA KU TAATA WO.


Tandika na bino:

- Amannya go mu bujjuvu, eggwanga lyo, ekika kyo, obuzaale bwo;
- Ennaku z'omwezi kwe wazaalirwa ko n'ekifo we wazaalirwa;
- Oba wali mufumbo laga olunaku n'ekifo we mwafumbiriganirwa;
- Ekifo gy'obeera ennaku zino.

Wandiika ebibyo nga topapa. Oyinza okuwandiika "nga bwe twasisinkana" ne maama w'omwana. Lwe wasooka okumusisinkana wamulowoozako ki? Ebyaddirira byali bitya? Abaana we baazaalirwa mwali musula wa?

OBUTO BWA TAATA

Abaana bo baagala okumanya ebifa ku buzaaliranwa bwo. Oba wakulira mu kifo oba mu kyalo ekitali ky'ewammwe nnyonnyola empisa n'enneeyisa y'abantu bano. Wakulira mu kyalo oba mu kibuga? Amaka gammwe gaali gafaanana gatya? Waaliwo oluggya-mwali musimbyemu ki?



Mwalina ebisolo? Baani abasulanga ewammwe-baganda bo ne bannyoko? Bajjajja? Wayiga ki okuva ku be***hh***anda? Walina mirimu ki mu maka omwo-kulera bato bo? Kukima mazzi? Oba wakwasizangako ab'eka okulima n'okufumba? Wasoma? Bya kuyiga ki bye wayagalanga-oba ebyakutamanga? Mubuulire ebikusanyusa eby'enjawulo- wayimbanga mu kibiina ky'essomero eky'abayimbi oba wazinanga mu kibiina ky'essomero eky'abazinyi? Waliko mu kibiina ky'abavubuka (abasikaawutu) Wazannyako ku mizannyo gyonna. Abaana bo bandyagadde okumanya ku bye wakolanga obulungi okusukkuluma-ka kibe kuyita bibuuzo oba okuba omuddusi nnakinku.

OKUKULA KWA TAATA N'OBULAMU BWE NG'AKUZE.

Babuulire kye wasoma oba kye wayigirizibwa kyonna ng'omaze okusoma? Bannyonnyole emirimu gy'olinamu obumanyirivu ne by'okola-olima oba okolera waka oba bakukozesa bukozesa? Bw'okirowoozaako, kiki kye wali oyagala obeere era byaggweera wa?

TAATA BY'AYAGALA NE BY'AKOLA.

Wano w'olina okutegeeza abaana bo engeri gy'okozesaamu ebiseera byo "eby'eddembe". Bakadde bo wabayigirako ki era ggwe magezi ki g'olina okusomesa abaana bo? Abantu bakutwala nga nnyinimu omulungi? Weenyigira mu bikolebwa ku kyalo ne mu ssinzizo? Olina ku kye weewummulizaoko oba ogoberera ku bikwata ku mizannyo?

EBISANYUSA TAATA NE BY'ATAYAGALA.

Okyayinza okunnyonnyola ssekukkulu oba ebijaguzo byammwe ebirala; okujjukira ebigagu bya jjajja wo bye yakufumbiranga; okulaba abasamba akapiira, okuyimba n'okuzina? Ate olwo okwate ku ebyo ebikunyiiza n'ebikwennyamiza?

Abantu (nga mwe muli ne bannabyabufuzi) abatatuukiriza bye basuubiza? Abaana abajeemu? Ebisolo ebikutula ne byonoona ennimiro zo? Abemiriraano ab'eŋŋambo oba abayingirira emirimu gyo?

ENZIKIRIZA YA TAATA N'EBIROWOOZO BYE KU BIKWATA KU BULAMU.

Kijja kuyamba abaana bo okukutegeera n'okussa ekitiibwa mu mutindo gw'embeera yo, bw'obannyonnyola ebintu by'obadde ogoberera mu bulamu bwo. Kino tekikoma ku kya ddiini kyokka, wabula n'engeri abakusingako gye babadde bakuluŋŋamyamu, abasomesa, bajjajja bo n'abo bonna ababaddeko kye bakyusizza ku bulamu bwo mu myaka gy'okulungudde ku nsi eno. Wano w'ofunira omukisa okulambika endowooza yo ku mbeera z'abantu n'eby'obufuzi, ebyobuwangwa bwabwe, n'empisa y'ensi ne ku buli kyekuusa ku kugunjula abaana bo. Ebirowoozo byo n'obumanyirivu bwo, okufumiitiriza kwo n'ebigambo byo bijja kuluŋŋamya abaana bo mu myaka gyabwe egy'omu maaso.

EBIJJUKIZO EBY'ENJAWULO.
Lowooza ku byakutuukangako n'ebikussa "mu nsi eyiyo" wekka, okusingira ddala ebyakutuukako eby'essanyu bye wagabanira awamu n'abaana bo. Jjukira nti obuntu obutonotono buyinza okugwa mu ttuluba lye limu n'ebinene ebyabatuukako-engeri omwana wo gye yabuguumirira ng'obusigo bwe yasimba bukuze butandise n'okumulisa, eyinza okwenkanankana bye mujjukira ku mbaga y'omu ku benju yammwe.

OBULAMU BWA TAATA.
Wano w'olina okuwandiika ebikwata ku bulamu bwo abaana bo bamanyire ddala ebituufu ku bulwadde bwo nga biva mu ggwe kennyini. Teekamu obulwadde obw'ensikirano. Wandiba nti weetaaga okuwandiika ebisingako mu bbaluwa ey'enjawulo osseemu n'amannya g'abasawo bo oba obulwaliro gy'otera okujjanjabirwa abaana bo basobole okufunayo ebisinga ku bibyo bwe kiriba kyetaagisa gye bujja. Kikulu okubategeeza obulwadde obusangibwa mu beŋŋanda okugeza obulema bw'omusaayi.

OBULAMU TAATA BWALIMU KATI.
Kikulu okunnyonnyola embeera yo gy'olimu kaakakati. Kino kijja kuyamba abaana bo okutegeera lwaki ebintu biri nga bwe biri era n'engeri kino gye kibayisaamu ggwe n'abaana bo.

5. BY'OLINA OKUMANYA EBIKULU

Akatundu kano akasembayo w'olina okuwandiika ebyo by'obadde tonnaba kuwandiika mu Kitabo kyo eky'Ekijjukizo. Era kikuwa omwagaanya okutereeza amannya g'abantu n'ebifo bye wawandiika mu nnyingo ezaasooka, wamu n'endagiriro n'omuti ogulaga obuzaale bwammwe, olwo abaana bo balyoke bategeere bwe bayitaŋŋana mu buzaale bwabwe n'okumanya wa abeŋŋanda zaabwe gye baava oba gye baasengukira.

AMANNYA N'ENDAGIRIRO Z'ABANTU ABAANA BE BATEEKWA OKUMANYA.
Kino kyetaagisiza ddala ssinga abaana baayawukanyizibwamu oba nga batangatanga wano na wali. Wano ssaawo olukalala lw'amannya n'endagiriro z'abantu be balina okukolagana nabo:


- Baganda baabwe ne bannyinaabwe n'abooluganda ab'okumpi;
- Abakulu mu kika;
- Ab'ekyalo kyammwe n'abakulembeze b'essinzizo;
- Ebibiina ebibudaabuda;
- Abeemikwano ne baliraanwa abeesigibwa.

ENNAKU Z'OMWEZI N'EBIKWATA KU BIRALA EBYABATUUKAKO EBIKULU WAMU N'ABANTU.
Muno oyinza okussaamu:

- kalonda akwata ku kufa kw'abooluganda ab'okumpi n'abeemikwano ne gye baabaziika;
- ebifa ku byobufumbo n'okwawukana;
- kalonda akwata ku beŋŋanda n'abeemikwano abaawaŋŋanguka oba ababeera emitala w'amayanja;
- ebirala byonna ebikulu ebibadde bitateekeddwa mu kitabo.

ENDAGIRIRO Z'ENSI YO N'EZ'AMAWANGA AMALALA.
Oyinza okukozesa endagiriro okulaga eŋŋendo ezaatambulibwa abeŋŋanda ab'enjawulo, gye bazaalirwa, gye baakyala, gye basula ebiro bino wamu ne gye baaziikibwa.

OBUZAALE NGA BWE BULI.
Abaana bwe baba batagaataga; badda eno badda eri nga basuzibwa abantu abalala, tebategeera baŋŋanda zaabwe mu butuufu. Ekiwandiiko ekirambika obulungi obuzaaliranwa bwammwe kirina obusanduuko we muyinza okuwandiika



amannya g'abeŋŋanda ab'okumpi. Kino kiyamba abaana okumanya obulungi bakadde baabwe ne bajjajjaabwe era n'okutegeera akakwate ke balina ne bannaabwe be batazaalibwa taata omu oba maama omu, abaana ba bataata n'aba bamaama abato, bassengaabwe ne bannyaabwe, bakojjaabwe awamu ne bataata baabwe abato.

Abantu abamu basalawo okussa amannya gano ku mpapula ennene kubanga balina bingi bye bamanyi ebikwata ku ŋŋanda zaabwe. Oba lwakuba nga balina abeŋŋanda bangi nnyo abatasobola kuggweera mu busanduuko. Kyonna ggwe ky'osobola okutegeeza abaana, kibe kinene oba kitono kitya, kijja kubayamba okwemanya obulungi.

Ebirowoozo n'Emitwe gy'Emiko gy'Ekitabo kyo

"Omuti gw'omuyembe" guwa abazadde omwanya okuwandiika amannya g'abantu abali ku lusegere lwabwe ddala era abasinga akuba abakulu mu bulamu bw'abaana. Bano bayinza okuba abooluganda, abeemikwano, oba ab'oku kyalo. Abazadde abamu bateeka ebifaananyi bya bano ku "miyembe" egiri ku muti. Mu maka amalala abaana be balonda ebifaananyi ebiteekebwa ku muti guno era oluusi bo ne bakubako ebifaananyi.

EBIWANDIIKO N'EBITEREKE EBIBAKWATAKO BISANGIBWA WA.
Ekitabo ky'Ekijjukizo si kye kituufu okuterekebwamu ebiwandiiko byennyini oba ebintu eby'omugaso ebirala ebitali bimu. Olina okufuna aweekusifu w'ossa ebintu nga bino oba omuntu omwesigwa alabirire ebintu ebibakwatako wamu n'ebyobugagga byammwe, okutuusa ng'abaana bakuze ekimala era nga basobola okubyekuumira. W'osobola okutereka ebintu we w'omukulu mu luggya, mu banka, munnamateeka wo, omukulembeeze w'ekyalo oba eddiini, munnakibiina w'ebibiina ebibudaabuda abantu oba mukwano gwo gwe weesiga obulungi.

Kikulu okuwandiika olukalala lw'ebiwandiiko n'ebyobugagga byo era gw'obiwadde nakuwa akalagaano akalaga nti ddala abifunye. Abaana olwo lwe banaamanya biki ebiterekeddwa ne we biri. Ebiwandiiko ebikulu bitwaliramu bino:

- ebbaluwa z'obuzaale oba ez'okubatizibwa;
- ebbaluwa z'okufumbiriganwa (bwe kiba weewaawo n'ez'okugattululwa);
- ebbaluwa z'ebyobulamu omuli nebipande eby'okugema;
- eddaame eriraga engabanya y'ebintu;
- ebiragiro ebiraga omukuza w'abaana;
- obutabo obukusobozesa okutambula mu mawanga ag'ebweru n'ebiwandiiko ebiraga obutuuze.

Munnange kati Ekitabo ky'Ekijjukizo okimaze. Wabula emboozi tennaba kuggwa……. Era oboolyawo ggwe oba abaana bo muneetaaga okutereeza ebiwandiikiddwa nga mwongeramu amawulire amasu n'ebirowoozo..